MASTER BLASTER YASINGA....VERY POETIC IN A SENSE!!

Posted by Ancient - 2008/01/19 08:43

I am deeply enthused by the creativity of Ugandans when it comes to

music today.Believe me if you may,a lot of us have rejected this song

because our minds are tricky objects. You define this song in the best

way you like too, but art is art when you open your mind and see a

picture beyond its appearance to you.

MASTER BLASTER IF YOU CAN MAKE ME LAUGH OUT LOUD IN YOUR SONG, YOU

HAVE PROVED A POINT AND THE TRUTH THEN IS YOU ARE A "REAL TEACHER!"

"EMBOOKKO IS THE HIT!"

"EMBOOKKO IS THE HIT!"

==========

Re:MASTER BLASTER YASINGA....VERY POETIC IN A SENSE!!

Posted by robster - 2008/01/20 07:09

---

naye kyemaze okulaba mwe mwegirawo ebigambo omuntu byeyayiya nemwetonderawo ebyamwe! naye nsaba mutwale bigambo byomuyiya muleme kutekawo byamwe. ebigambo nga..... enfufu, emanga, ekinene. omusingi,byebigambo ebyabuligyo naye ngowoza gonno lyeyakozesa lyelibalowoozesa bili nti.....

==========

Re:MASTER BLASTER YASINGA....VERY POETIC IN A SENSE!!

Posted by JeenaJulia - 2008/01/21 16:38

Master Blaster ono alabika abela mwemu kuzi kampu ezili mumambuka eyo oba sikyo nga bebano ba kasanvu abatema ebikajjo.Ampakanya genda olabe video yoluyimba luno EMBOOKO.

==========

Re:MASTER BLASTER YASINGA....VERY POETIC IN A SENS

Posted by omumbejja - 2008/01/21 22:52

JeanaJulia nja kuwagira mukino actually yetaaga kutwaala kusanyusa bantu abababbade bava eyo muntalo ngate bazibu okusanyusa kati awo ngakoloobya nti kino nga bo bamumalirayo biri ebigambo byennyini waliwo no mulala eyayimba essefuliya efumba ewaffe..... kyesimanyi lwaaki enyiimba bwezityo tebazirekera bifo bituufu nga mu kidandali

nebataziteeka kumpewo tuliko abaana abato tewandyagadde mwaana yakatandika kwogera kutandika kukoloobya bintu byakiwugulavu kuba jjukira gwe bwoluwulira nolujjako muliraanwa wo ye ajja kuba aluwomerwa ye yajja okulutumbula

==========

Re:MASTER BLASTER YASINGA....VERY POETIC IN A SENS

Posted by omumbejja - 2008/01/22 08:40

Naye ssi muganda. Teri Muganda ayinza kuyimba ebyo mu lwaatu, omanyi olulimi olutali lulwo lwangu lwa kuwemuliramu, kubanga ebigambo tobiwulira nga ebibi. NAye maama, tewali censorship ku bintu bifulumizibwa mu nsi? Kale ate obukaba obwaali mu west twaali tubunyooma, bwenkanankana nobuli mu geyena ate namala nokuzina nazina

==========

Re:MASTER BLASTER YASINGA....VERY POETIC IN A SENS

Posted by JeenaJulia - 2008/01/26 12:20

Who Composed Embooko?

Thursday, 24th January, 2008 E-mail article Print article

Kigere is claiming the song

HARDLY has the dust on the controversy about the song's meaning is settled than another storm is kicking up about Master Blaster's Embooko (teacher). This time, it is over who its rightful owner is.

Eddie Kigere, another upcoming artiste, has accused Master Blaster of stealing the song from him (Kigere), but Master Blaster has denied this. "I have been an MC at karaoke shows in bars around town for some time now," says Master Blaster. "I have been singing Embooko for about four years but had not recorded it.

I used to perform it on the track of Ragga Dee's song, Empetta. After recording and distributing the song in July last year, I started hearing rumours that Kigere was performing it as his own in karaoke clubs."

But Kigere, a member of the Amarula Family, says: "I composed Embooko about the time we started Amarula Family. It was not a real song, but comedy for our karaoke shows. I used to do Embooko on the track of Empetta by Ragga Dee.

In 2006 I got a job as MC at Wallet Time pub in Rubaga. Master Blaster belonged to a karaoke group called A C club, which performed at Wallet every Sunday. He contacted me about doing something together. I agreed and suggested we record Embooko with him.

"To my surprise, after two weeks, people started telling me that Master Blaster was performing the song as his own in bars.

"He had even recorded it already. It is clear that he did it in a rush because the audio quality is very poor. I was shocked that someone who approached me to work together could instead do this."

He adds that Master Blaster had the backing of his gang from Bwaise.

“I can´t fight Master Blaster for betraying me, but I know that my fans know me as the rightful owner of the song.”

BABIKAYANIDEMU.

==========

Re:MASTER BLASTER YASINGA....VERY POETIC IN A SENS

Posted by Meli - 2008/02/07 13:29

_____

Babaakwate bonna babateeke mu mbuzi ekogga, bafune ample time and space okulwana all they can. Oba oli awo banatuyamba nebejja mu misery yaabwe ensi newona obugwaagwa bwaabwe. For starters, enyimba bwezityo weziri nyingi, zayimbibwanga bulijjo abaana abe byeejo, era nga abalala bagenda babaloopa nti bogedde ebye bisiru. Awo nga abazadde batutegerezawo obutazannya yadde okutambula nabo. Bayitibwanga ba maka mabi era nga batwalibwa nga bawansi. Ekikola obubi kati kwekuba nti enyimba nga ezo bwezigenda ku radio, ebeera yenyonyoddeko ya kika ki. Tewali ebyo nti abantu nebakuba akalulu. Ogenda okulaba nga abantu abategeevu bebulungulula badduka. Ekivaamu nga kya nsonyi okugamba nti ndi member mu nsonda eri. Anti batandise, ate mugamba bagenda kulekerawo, anti zebakola zebalya! Temufaayo, program yonna bajja kugijjuza.

==========

Re:MASTER BLASTER YASINGA....VERY POETIC IN A SENS

Posted by rambuka - 2008/02/08 01:14

_____

In his video it looks so normal---naye engeri ja awunzukamu ebigambo bye muluyimba nzibuzibu---------

==========

Re:MASTER BLASTER YASINGA....VERY POETIC IN A SENS

Posted by Meli - 2008/02/12 19:10

_____

Mweyo enjiri ya ba master blaster gyebabulira mwemuva bino. Era gyebunakoma obukaba obwo Abaganda bwemweteekako mu byemuyita ebyokusaaga, neba serial killers mujja kufuna abatemula abaana bammwe. Nga bannaffe wano a beeru, nga temukyamanyi na mulabe gyeyava, oba ngeri ki eyokumuzzayo.

http://www.connectuganda.com/images/fbfiles/images/1202750060Zzk.jpg

JJaja wa Nantume ng’akaabira omugenzi. Mu katono bw’abadde afaanana.

Bya Moses Nyanzi

OMUYIZI attiddwa oluvannyuma lw’okusobezebwako omulambo gwe ne bagusuula mu nsiko. Teddy Nantume (16) abadde omuyizi mu Gayaza Mixed SSS mu siniya eyookusatu, yeyasangiddwa ng’attiddwa abantu.

Ettemu lino lyabaddewo mu kiro ekyakeesezza olwa Mmande mu Zooni ya Kyetume B e Gayaza mu ggombolola y’e Nangabo mu Disitulikiti y’e Wakiso.

Jjajja w’omugenzi, Muky. Teddy Nantume yategeezezza nti yakomye okulaba ku muzukkulu we ono gwabadde abeera naye ku Ssande essaawa 9: 00 ez’olweggulo, ng’awerekera bassengabe abakyadde awaka.

Obudde we bwawungeeredde nga Nantume tannadda okutuusa enkeera lwe baamugambye nti Nantume yattiddwa.

Nnyina wa Nantume omuto, Muky. Juliet Ndagire, yagambye nti omugenzi yakomye okubeera naye akawungeezi ka Ssande namutegeezza nti agenda kugula engoye mu katale k’omubuulo akabeera e Gayaza ku Ssande.

Baayawukanye naye n’amuwa 500/- okulinnya bodaboda emuzze eka singa anaaba avuddeyo, wabula baakedde kumugamba nti yattiddwa.

Omulambo gwa Nantume gwasangiddwa mu kasiko nga wabulayo mita 200 okutuuka ewa Jjajja we, ng’akawale k’omunda kayuziddwa, ensingo ng’enyooleddwa era ng’emabbali we wasigadde engoye ze yaguze mu katale n’engatto ze yabaddemu.

Akulira Poliisi e Kasa-ngati, Meriton Muhimbula yasabye abatuuze okuyamba poliisi mu kunoonyereza ku butemu buno.

Tewannabaawo akwattibwa ku ttemu lino omulambo gwajjiddwawo Poliisi oluvannyuma lw’okugwekebejja negutwalibwa e Mulago.

Published on: Monday, 11th February, 2008

==========

Re:MASTER BLASTER YASINGA....VERY POETIC IN A SENS

Posted by omumbejja - 2008/02/16 06:15

_____

Abavumiridde

KAMISONA w'ebyenjigiriza e Mmengo, Alozius Joy Matovu avumiridde abayimbi abayimba ennyimba mu lulimi Oluganda eziwemula n'agamba nti zikontana n'enteekateeka ya Nabagereka ey'ekisaakaate ekiyigiriza abaana empisa n'ebyobuwangwa. Bino yabyogeredde mu lukungaana lwa bannamawulire mu National Theatre wiiki ewedde.

==========